

SOME IMPORTANT HISTORICAL FACTS ABOUT NALUKOLONGO

- **1885 (14 July):** Founded by **Frs Simeon Lourdel Mapeera, Pierre Giraud and Bro. Amans Delmas**. It was the second Catholic mission in Uganda after Nabulagala (1879) and the land was given by Kabaka Mwanga.
- It served as the first Cathedral in Uganda for **Bishop Leon Livinhac**. The first time he arrived here as bishop coming from Kamoga (Tanganyika) was on the very day the martyrs were condemned to death (25th May 1885) by Kabaka Mwanga in Munyonyo.
- It was here that evangelisation was carried out openly for the first time and that the first baptisms of women by the missionaries were celebrated. Some of these women were: **Kalaala Batudde** the wife of Andrea Kaggwa, **Adeela Monika Kayaga** the wife of Matayo Kirevu, Princess **Kalaala Nalumansi** the sister of Kabaka Mwanga and **Maria Matilda Munaku** the sister of Noa Mawaggali.
- Hundreds of catechumens were baptised at this place after the martyrdom of Joseph Mukasa Balikuddembe (15th November 1885) and during the general persecution of 1886. Among these were thirteen (13) future martyrs, namely: **Charles Lwanga, Denis Ssebuggwawo, Pontian Ngondwe, Athnasius Bazzekuketta, Gonzaga Gonza, Noe Mawaggali, James Buuzabaliwo, Ambrose Kibuuka, Anatoli Kiriggwajjo, Achilles Kiwanuka, Adolph Mukasa Ludigo, Bruno Sserunkuma and John-Mary Muzeeyi**.
- Many young slave boys and girls were ransomed and cared for by the Missionaries and the Christians in this place. **Maria Matilda Munaku** was the pioneer Christian woman to start looking after the redeemed slave girls and in her Mapeera saw the beginning of the religious life in Uganda.
- **1886 (13 June):** Renewal of the Consecration to B. V. Mary. All missionaries signed the act which was put under her statue. The first was made at Nabulagala on 2nd July 1879.
- **1886 (2 November):** The remains of Charles Lwanga were brought from Namugongo and buried here in the sacristy of the first church built in 1885 (destroyed in 1888). Later on those of Mathias Mulumba were also brought and buried in the same place. They remained here for seven years (1886-1893). These are the only relics of the Martyrs that were preserved and it is only here that they were buried.
- **1888 (18 October):** The mission was looted and completely destroyed by the supporters of Kabaka Kalema and the Missionaries were expelled from the country. They went to Bukumbi (Tanganyika).
- **1993 (13 November):** After searching for a long time, the Missionaries finally found the iron box containing the remains of Charles Lwanga and Mathias Mulumba. They had left them behind when they were expelled in 1888.
- **1923 (9 June):** First pilgrimage from Lubaga Cathedral to Nalukolongo at the occasion of the feast of the Uganda Martyrs. At this occasion, Missionaries and Christian leaders headed by Stanislaus Mugwanya decided to build at the site a Chapel for 'Mary Mother of Jesus and Patron of Buganda' (*Ya Namasole wa Yezu Omuwolereza w'Obuganda*), in memory of the Uganda Martyrs, Mgr Livinhac and Fr. Mapeera.
- **1924 (3 June):** Laying of the foundation stone of the chapel by **Mgr. Joseph Forbes** (1864-1926), Coadjutor Vicar Apostolic of Uganda.
- **1929:** Completion and blessing of the Chapel. It was blessed by **Mgr. Arthur Hinsley** on the 3rd June, marking the 50th Anniversary of the Catholic Church in Uganda. NB: This was the first chapel / church in Uganda to be built in memory of the Uganda Martyrs.
- **1954:** The **Little Sisters of Jesus** (Charles de Foucauld) settled in this place. They left in the 1970s.
- **1976:** Cardinal Emmanuel K. Nsubuga founded the **Congregation of the Good Samaritan Sisters**, with their Mother House here at Nalukolongo.

- **1978:** Foundation of **Mapeera Bakateyamba Home** (for disabled and needy) by Cardinal Emmanuel K. Nsubuga. The Cardinal founded both the Sisters and this Home at this place in memory of the care for the orphans and needy by Mapeera and his confreres.
- **1991 (29 April):** Burial of **Emmanuel Cardinal K. Nsubuga** (1914-1991).
- **2015 (28 November):** Pope Francis makes a pilgrimage to this place.

EBIMU KU BYAFAAYO EBIKULU EBIKWATA KU NALUKOLONGO

- **1885 (14 July):** Fr. **Simeon Lourdel Mapeera** ne Fr. **Pierre Giraud** ne Frera **Amans Delmas** batandika ekifo kino. Kino kye ekifo eky'okubiri eky'Eklezia Katolika mu Uganda ng'ekyasooka ye Nabulagala (1879). Kabaka Mwanga ye yawa Abaminsani ettaka lino.
- Klezia eyasooka wano ye yali Lutikko (*Cathedral*) embereberye mu Uganda ku mulembe gwa **Bishop Leon Livinhac** era omulundi gwe ogwasooka okujja mu kifo kino ng'omusumba ng'ava e Kamoga (Tanganyika) lwali olunaku lwennyini (25 May 1885) Kabaka Mwanga lwe yaweerako abajulizi ekibonerezo eky'okuttibwa ng'ali e Munyonyo.
- Mu kifo kino okuyigiriza eddini mu lwaatu we kwatandikira awamu n'abaminsani okubatiza abakazi. Abamu ku bakazi abo be bano: **Kalaala Batudde** mukyala wa Andrea Kaggwa, **Adeela Monika Kayaga** mukyala wa Matayo Kirevu, Omumbetta **Kalaala Nalumansi** mwannyina wa Kabaka Mwanga ne **Maria Matilda Munaku** mwannyina wa Nowa Mawaggali.
- Ebikumi by'abalonde babatirizibwa mu kifo kino oluvannyuma lw'okuttibwa kwa Joseph Mukasa Balikuddembe (15 November 1885) ne mu budde bw'ekiyigganyo ky'abasomi mu 1886. Abamu kw'abo ababatirizibwa wano mwalimu abajulizi kkumi na basatu (13) nga be bano: **Karooli Lwanga, Denis Ssebuggwawo, Pontiano Ngondwe, Athnasi Bazzekuketta, Gonzaga Gonza, Nowa Mawaggali, Yakobo Buuzabaliwo, Ambrosio Kibuuka, Anatoli Kiriggwajjo, Akilewo Kiwanuka, Adolfu Mukasa Ludigo, Bruno Sserunkuma ne Yowanna-Maria Muzeeyi.**
- Abaddu abato abalenzi n'abawala bangi baanunulwa ne balabirirwa abaminsani n'abakristu mu kifo kino era **Maria Matilda Munaku** ye yali omukyala omukristu omubereberye okutandika okulabirira abaddu abawala abaali banunuddwa era nga mu **Munaku** ono Mapeera yalabamu entandikwa y'obunnaddiini mu Uganda.
- **1886 (13 June):** Abaminsani baddamu okwesingira n'ensi eno Bikira Maria nga bwe baakola e Nabulagala nga 2 July 1879 era ekiwandiiko bonna ne bakisaako omukono ne bakissa wansi w'ekiwumbe kya B. Maria.
- **1886 (2 November):** Ebisigala bya Karooli Lwanga byaleetebwa okuva e Namugongo ne biziikibwa mu sakristia ya klezia eyazimbibwa mu 1885 (ng'eno yayononebwa mu 1888). Oluvannyuma n'ebya Matia Mulumba byaleetebwa ne biziikibwa mu kifo kye kimu mwe byamala emyaka musanvu (1886-1893). Bino by'ebisigala byokka eby'abajulizi ebyasobola okufunika n'okukuumibwa era wano wokka we byaziikibwako.
- **1888 (18 October):** Minsani yanyagibwa n'okusanyizibwawo abawagizi ba Kabaka Kalema era Abaminsani ne bagobwa mu Buganda ne balaga e Bukumbi (Tanganyika).
- **1893 (13 November):** Oluvanyumma lw'okunoonyeza ebbanga eggwanvu, abaminsani baazuula akasanduku omwali ebisigala bya Karooli Lwanga ne Matia Mulumba. Bino baali babiresseewo lwe baagobwa mu 1888.
- **1923 (9 June):** Okulamaga okwasooka okuva ku Lutikko e Lubaga okulaga e Nalukolongo nga bajaguza olunaku lw'Abajulizi ba Uganda. Kw'olwo, Abaminsani awamu n'abakulembeze b'Abakristu nga bakulirwa Stanislaus Mugwanya baasalawo okuzimba mu kifo kino kelezia (*chapel*) **Ya Namasole wa Yezu Omuwolereza wa Buganda** era ebeere ekijjukizo ky'Abajulizi ba Uganda ne Mgr Livinhac ne Pere Mapeera.
- **1924 (3 June):** Okusimba ejinja lya klezia eno eriwo kati ng'eyakola omukolo guno yali **Mgr Joseph Forbes** (1864-1926), Omubeezi w'Omusumba wa Uganda (*Coadjutor Vicar Apostolic of Uganda*).

- **1929:** Kelezia yamalirizibwa era n'etukuzibwa **Mgr. Arthur Hinsley** nga 3 June. Omwaka ogwo Ekelezia Katolika mu Uganda yali ejaguza emyaka ataano (50) bukya etandikibwawo. Eno ye kelezia embereberye mu Uganda okuzimbibwa ng'ekijjukizo ky'Abajulizi ba Uganda.
- **1954:** Abasisita b'ekibiina kya **Little Sisters of Jesus** (Charles de Foucauld) baasenge mu kifo kino ne bakivaamu mu myaka gy'ensavu.
- **1976:** Kalidinaali Emmanuel K. Nsubuga yagunjaawo ekibiina ky' **Abasisita Abasamaliya Abalungi** (*Good Samaritan Sisters*) era nga wano we wali ennyumba yabwe enzadde.
- **1978:** Kalidanaali Emmanuel K. Nsubuga yatandikawo amaka ga **Mapeera Bakateyamba Home**. Okutandikawo Ekibiina ky'Abasista n'Amaka gano mu kifo kino, Kalidinaali Nsubuga yayagala okujjukira omulimu Mapeera ne banne gwe baakola mu nsi eno, na ddala wano ogw'okulabirira bamulekwa ne bakateyamba.
- **1991 (29 April):** Kalidinaali Emmanuel K. Nsubuga (1914-1991) aziikibwa mu kifo kino.
- **2015 (28 November):** Paapa Francis alamaga mu kifo kino.